

ترجمة كتاب  
Okuvvunula ekitabo

كيفية صلاة النبي صلى الله عليه وسلم  
Engeri Nabbi gyeyalinga asaalamu

المؤلف  
Kyawandiikibwa  
Sheikh Abudallah ibn Abdul Aziz Ibn Baz  
الشيخ عبد الله بن عبد العزيز بن باز

المترجم  
Kyavvunulwa

Dr. Hussein Muhammad Bowa  
الدكتور حسين محمد بوا

مراجعة  
Kyekkenenyezebwa  
Sheikh Adam Shaban Waiswa  
Sheikat Unaishah Nakafeero

2016

## **Enyanjula y'omuvvunnuzi** تقديم المترجم

Amatendo gonna amalungi ga Allah (SW) Nanyini buyinza, oyo atenderezebwa nabuli kitendo kyonna ekyekitibwa, era Emikisa n'okusaasira byonna bibeere ku wekitiibwa Nnabbi waffe Muhammad (S.A.W) oyo nanyini kuleeta Ddini eno ey'Obusiramu era nagiyigiriza abagoberezi be, engeri gyebatekedwa okusinzaamu omutonzi waabwe, era natuuka okuva munsi nga atangazizza eddini eri buli omu. Allah amusaasire era amusasule ebirungi bingi nyo awamu n'Abo bona abamuddira mu bigere okusaasanya eddini, n'Abagoberezi be okutusiza ddala ku lunaku lwenkomerero.

Oluvanyuma lw'ebyo, Eddini y'Obusiraamu diini eyetuleterwa ow'ekitibwa Nabbi Muhammad S.A.W nga naye yamuleeterwa Malaika Jibriil Allah gweyatatumanga okumuleetera obubaka. Nekulwensonga eyo kyeraga lwatu nti Ediini eno ddini yakugoberera so siyaakuyiia, kale ennesinza zonna mu busiraamu tezibaako kubuuza nti lwaki kino kibeera bwekeeti, okugeza: Lwaki Subuhi ya laaka Bbiri? Oba Lwaki twetoolola Qa-aba emirundi musanvu? nebirala ebyefananyiriza n'ebyo, byonna ebyo mubusiramu tebikkirizibwa.

Ekitabo kino kyoneraokunyweza ensonga eno kubanga Nabbi S.A.W bweyali atuyigiriza Eswala yatugamba nti : **(صلوا كما رأيتمني أصلني)**

Amakulu nti: Musaalenga nga bwemundabye nsaala. Awo Omuwandiisi w'ekitabo kino kweyava n'awandiika nga annyonnyola engeri Nabbi gyeyalinga asaalamu.

Neebaza Allah ansobozesezza okukivvunnula mululimi oluganda kisobole okusomebwa abantu abatasobola kukisomera mu Luwalabu. Allah Mmusaba agase nakyo abantu. Ameen.

Dr. Hussein Muhammad Bowa

Omuvvunnuzi

Bismi Llahi al-Rahman al-Rahiim

Amatendo gonna ga Allah yekka, okusaasira n'emirembe bibeere ku Muddu we era omubakawe Nabbi waffe Muhammad S.A.W ne ku bantube ne kubagoberezi be.

Oluvanyuma lw'ebyo, Bino bigambo byafundawazibwa mu kunyonnyola engeri Nabbi S.A.W gyeyalinga asaalamu. Njagadde mbiwe buli Musiraamu Omusajja n'Omukazi, olwo buli muntu aba abirabye anyiikire okumugoberera S.A.W mu ngeri gyeyalinga asaaala, olwekigambo kye S.A.W: "Musaalenga nga bwemundabye nsaala "<sup>1</sup> Kati kuno kwekunyonyola Omusomi:

1. Omusaaze asooka ku Jjuza bulungi Wuzu, ekyo kwekufuna Wuzu nga Allah bweyamulagira, era nga akolera ku kigambo kye SW:

{يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا قُمْتُمْ إِلَى الصَّلَاةِ فَاغْسِلُوا وُجُوهَكُمْ وَأَيْدِيَكُمْ إِلَى الْمَرَافِقِ وَامْسَحُوا بِرُءُوسِكُمْ وَأَرْجُلَكُمْ إِلَى الْكَعْبَيْنِ} <sup>2</sup>

Amakulu nti: Abange mmwe abakkiriza bwemubanga mugenda okusaala munaabenga ebyenyi byamwe n'emikono gyamwe okutuusa munkokola, musiigenga emitwe gyamwe n'ebigere byamwe okutuusa kubukongovvule.

Awamu nekigambo kya Nabbi S.A.W : " لا تُقبل صلاةٌ بغير طهور " <sup>3</sup>

Amakulu nti : Esswala tekkirizibwa nga tekulembeddwa kwetukuza , n'ekigambo kye S.A.W kyeyagamba oyo eyali asaala obubi eswala ye:

"إِذَا قَمْتُ إِلَى الصَّلَاةِ فَأَسْبِغْ الوضُوءَ" <sup>4</sup>

Amakulu nti : Bwobanga ogenda okusaala, sooka nga ojuze wuzu)

2. Omusaaze ayolekera ekibula: Nga ekibula kino ye Kaaba oludda lwonna kw'eba eri, agyolekera n'omubiri gwe gwonna nga ekigendererwa mumutima gwe kusaala Sswala eyo gyaba agenderedde/anuyiridde, keebeere emu ku Faradha (ettanu ezabulijo) oba eya Sunna, tasaanidde kwatula nniya nalulimilwe, olwokuba okwatula nniya n'olulimi tekiri mungigiriza ntuufu, kubanga Nabbi S.A.W teyayatula ku Nniya nalulimilwe wadde abagoberezibe Allah abasiime. (Nniya ebeera mumutima.

---

<sup>1</sup> - Bukhari mu kitabo kya (Azhan) Hadithi No, (595) , Darimi mu kitabo (Aswala) Hadith No. (1225).

<sup>2</sup> - Surt al- Maa-edah : 6

<sup>3</sup> - Muslimmu kitabo (Twahaarat) No(329) , Tirimidhi mu (Twahaarat) No. (1).

<sup>4</sup> - Bukhari mu kitabo (Isti-idhan) No. ( 5782). Ne mu (Aimaan wa Nudhuur) : (6174) ne Abu Dauda mu kitabo (Swalat) No. (730) Ibun Maajah mu (Twaharah Wa sunanuha) No (441).

Era alina okuteeka akantu akasiikiriza mumaaso ge (**Sitira**)<sup>5</sup> akamusiikiriza nga asaala, k'abeere nga ye Imaamu oba nga abadde asaala yekka. Okwolekera e Qibula kalombolombo akatuusa Eswala okujjako mu mbeera ezo entonotono ezimanyidwa era ezanyonyolwa mu bitabo bya bamanyi<sup>6</sup>.

3. Aleeta takibira eyeemizizo, n'agamba nti **Allahu Akibaru** nga amaaso ge agatunuzza mukifo w'agenda okuvunnamira.
4. Asitula emikonogye gyombi mukiseera waatolera takibira n'agyenkanyankanya n'ebibegabega bye oba amatuuge.
5. Assa emikono gye mukifuba kye, ogwa dyo nagussa ku kibatu kye ekya kkono, olw'enkola eno okuba nti yakakata okuva ku Nabbi S.A.W.
6. Kiri Sunna okusoma edduwa eggulawo eswala, era nga yeeno:

*Allahumma baa-id baini wa baina Khatwayaay kama ba-aditta bainal- mashiriq wal- magaribi, Allahumma naqqini min khatwayaay kama yunaqqa athaubul- abuyadhu mina ddanasi , Allahumma agisilni min khatwayaay bil-m'ae wa thalji wal-barad.*

Amakulu nti: Ayi Allah yawula wakati wange n'ebyonoono byange bimbeere wala nga bwewayawula wakati w'ebuvanjuba n'ebugwanjuba. Ayi Allah ntukuza okuva mu byonoono byange nga olugoye olweru bwerutukuzibwa okuvaamu Ekko. Ayi Allah Nnaaza ebyonoono byange n'amazzi n'omuzira nempewo.<sup>7</sup>

Bwaba ayagadde mukifo ky'eyo ayinza okusoma eno:

*Subuhaanaka allahumma wabiham-dika wa tabaaraka ismuka ,wa ta-aala jadduka wa la ilaaha gairuka*

Amakulu nti: Otenderezebwa Ayi Allah namatendogo gonna, n'erinyalyo lyatukuzibwa n'ekitiibwa kyo kyawaggulu nnyo, era tewali asinzibwa mubutuufu atali ggwe.

---

<sup>5</sup> - Sitira kayinza okuba akati nga kotonotono, oba Muggo, Jinja oba oba Ntebe oba ekintu kyonna ekimanyisa Omuntu omulala nti oli Mu Sswala natayita mumaaso go.

<sup>6</sup> - okugeza nga omuntu okusaala sunna nga oli Mu Mmotoka oba nga otambulira ku Falaasi.

<sup>7</sup> - Omuzira n'empewo , byakwetukuza nabyo Allah byagenda okutkuza nabyo abaddu be, tetunnabirabako wano kunsi.

Singa asoma eduwa endala atali zino waggulu, naye nga eri mw'ezo ezajjibwa ku Nabbi, tekiba kibi. Naye ekisinga obulungi kweukyusakyusa mu dduwa zino olumu n'osomako eno olulala eri. Oluvanyuma agamba nti : *A udhu billahi mina shaitwani rajiim*, *Bism LLahi al-rahman al-rahiim*, olwo bwamala n'asoma Surat Fatiha (*Alhamdu*) olwekigambo kya Nabbi kyeyagamba nti:

" لا صلاة لمن لم يقرأ بفاتحة الكتاب " <sup>8</sup>

Amakulu nti : Tewali swala ntufu kwoyo atasomye surat Fatiha(*Alihamudu*).  
Oluvanyuma nagamba nti : **Aamiina** nga akyatula muswala ezaatula.  
Oluvanyuma n'asomayo Essuula yonna eba emwanguyidde mu Qura'n.

7. Akutama nga bwatoola takibira nga asitudde emikono gye okugyenkanyankanya ebibega bye oba amatuuge, omutweegwe nagwenkanya n'omugongogwe nga ateese ebibatu bye kumaviivi , era alina okutebenkera mu lukutama luno nagamba : (**Sub-haana Rabbiyal adhiim**)  
Amakulu nti: Atenderezebwa omulezi waffe owekitiibwa.

Ate n'ekisinga obulungi kwekuba nti ekigambo ekyo akiddinghana emirundi esatu oba n'okusingawo, era bwayagala awo ayinza okugambirawo nti: (**Subuhanaka allahumma Rabbana wabihamdi, al-llahumma ig-firli**).

Amakulu nti : Otenderezebwa ayi Allah omulezi waffe namatendo go, Ayi Allah nsonyiwa.

8. Asitula omutwegwe okuva mu kukutama nga asitudde emikono gye okubyenkanyankanya n'ebibegabega bye oba amatuuge nagamba: **Samia Llahu liman hamidahu**, k'abeere Imam oba nga asala bwomu.  
Amakulu nti: Allah awulidde oyo amutendereza.

Ate bwayimirira agamba: **Rabbana walakal- Hamudu ham-dan kathiira Twaibah Mubaraka fihi mil-a Ssamawaati Wa mil-al arudhi wami-a ma bainahuma wamil-a ma shiita min shai-e ba-adah**.

Amakulu nti: Ayi Mulezi waffe gwe webazibwa okwebazibwa okungi era okulungi okulimu emikisa ejijuza eggulu nensi n'ebiri wakati wabyombi , neijijula nabuli kintu kyonna kyoyagala.

Naye bwabeera mugoberezi (*ma-muuma*) agamba w'asitukira okuva ku maviivi:

---

<sup>8</sup> - Bukhari mu kitabo kya (Azhan) Hadithi No, (714) Muslim (Swala) (595) Tirmizi (Swala) 230 , Nasa-e (Iftitah) : (901).

**Rabbana walakal- Hamdu....** okutuusa kunkomerero yedduwa eyo eyakuleembedde waggulu.

Ate kirungi bombi (Imam ne Ma-amuumma) okussa emikono kukifuba nga bweyakoze nga ayimirira mu kusooka nga tannakutama. Kino akikola okusinzira kubukakafu okuva ku Nabbi S.A.W mu Hadith ya waa-el bin Hajar ne Sahal bin Saad Allah abasiime.

9. Avunnama kuttaka nga atoola takibira, n'atuusa amaviivi kuttaka nga emikono teginnatuuka singa kiba kisobose. Bwaba tasobodde akulembeza emikono nga obunwe bw'ebigere n'engalo bitunudde mu kibula, nga engalo ze azigasse wamu, navunnama ku biyungo bye omusanvu: Ekyenyi n'enyindo, ebigere byombi, n'amaviivi gombi, n'ebibatu byombi. Olwo n'agamba nti: (**Sub-haana rabbiyal a'laa.**)

Amakulu nti: Atenderezebwा omuronzi waffe ow'ekitiibwa. Akiddinghana emirundi esatu oba okusingawo. Era kiba kirungi okugamba: (**Subuhanaka al-Llahumma Rabbana wabihamdiка, al-llahumma ig-firli.**)

Amakulu nti : Otenderezebwा ayi Allah omulezi waffe namatendogo, Ayi Allah nsonyiwa. Ate era ayitizanyo okusaba Allah nga ali mukuvunnamā, olwekigambo kya Nabbi S.A.W :

"**أَمَا الرُّكُوعُ فَعَظِمُوا فِيهِ الرَّبُّ ، وَأَمَا السُّجُودُ فَاجْتَهَدُوا فِي الدُّعَاءِ فَقَمِّنْ أَنْ يُسْتَجَابَ لَكُمْ**"<sup>9</sup>

Amakulu nti: (... Wabula mukukutama mugulumize nyo Omuronzi , Ate mukuvunnamā mufube nnyo okuba nga musaba, kubanga kifo ekisaanidde era omusubirwa okuba nga mwanukulwa.

Era mukifo ekyo omusaaze asaba Allah SW ebirungi byayagala mw'ebyo ebyokunsi nekunkomerero, kabeere ali mu swala ya **Faradha** (eyalalikibwa)

Ate era alina okugaziya entungulu z'emikono gye obutakoona ku mbiriizi ze, n'olubuto lwe obutakoona ku bisambi bye, ate n'ebisambi bye obutakoona ku ntumbweze, kati gyo emikono gye nagisitula okuva ku ttaka<sup>10</sup>, olwekigambo kya nabbi S.A.W :

---

<sup>9</sup> - Muslim (Swalat) : 738 , Abu Dauda (Swalat) 742, Ahmad (Musnad al- ashara al-mubashariina bil-Janna) : 1260, Musnad bani Hashim , 1801.

<sup>10</sup> - Kitegeeza nti : Ebibatu byokka byebiba bikutte wansi ku ttaka

## "اعتدلوا في السجود ولا يبسط أحدكم ذراعيه انبساط الكلب"<sup>11</sup>

Amakulu nti: Mwenkanenkane mu kuvunnama, ate omu kumwe tayalilira mikono gye ngaali mu kuvunnama okufaananaako nga embwa bweyeyalilira.

- Asitula omutwegwe nga bw'atoola takibira, olwo nayalilira ekigere kye ekya Kkono n'akituulako, n'asimba ekya ddyo, nassa ebibatubye ku bisambi bye n'amavii ge, olwo nagamba:

**Rabbi igfir li war-hamuni wa-hidini war-zukuni, wa aafini wa jiburuni.**

Amakulu nti: Ayi Allah omulezi waffe nsonyiwa, onsasire, onnunghamye, ongabirire riziqi, ompe obulamu obulungi, era onnyunge(onnyweze).

Era alina okutereera mu lutuula luno, (nga tannagenda muluvunnamalwakubiri).

- Avunnama oluvunnamalwokubiri nga bw'atoola takibira, olwo n'akola nga bweyakoze mu luvunnamalusooka.
- Asitula omutweegwe nga bw'atoola ne Takibira, olwo n'atuulamu olutuula lutono, olufaanana nga olutuula lweyatudde wakati wenvunnamalwabiri, olwonno luyitibwa lutuula lwa kuwummula, lwo lukolebwa alwetaaze, era bwaba talutudde tewaba kabi, olutuula luno temuba kusaba wadde okutendereza.

Oluvanyuma asituka n'ayimirira okugenda ku *Laaka* eyokubiri nga yesigamira ku maviivi ge singa ekyo aba akisobola, bwekiba kimukaluubirira yesigamira kuttaka. Olwo bwamala okutereera nga ayimiridde asoma Surat Fatiha (**alhamudu**) oluvanyuma naakola byonna nga bweyakoze mu *Laaka* eyasoose.

- Eswala bweebeera nga ya Laaka bbiri nga Fajri, Juma oba Idi, oluva mu luvunnamalw'okubiri atuula nga asimbye ekigerekye ekya ddyo n'ayalilira ekya kkono n'akituulako nga ateese omukono gwe ogwa ddyo ku kisambi kye ekya ddyo nga afunyizza engalo z'omukonogwe ogwa ddyo nazikwaata okujjako olugalo oluddirira olusajja lwo alugolola, nga alaza okutongoza Allah nga bwaali omu.  
Ate singa aba afunyizza obugalo abutono bwombi, ate nakwataganya ekisajja n'olwawakati, olwo naagolola oluddirira olusajja, nakyo kiba kituufu, kubanga

---

<sup>11</sup> - Bukhari (Adhani) : 779 , Muslim (Swalat) 762 , Anasaa-e (al-Tatwibiiq): 1098.

engeri ezo zombi zaakakasibwa okugyibwa ku nabbi S.A.W, naye nga ekisinga obulungi kwekukyusakyusa n'okozesaako engeri eno, olulala n'okozesa endala. Ate gwo omukono gwe ogwa kkono agussa ku kisambi kye ekya kkono n'evvivi aryaa kkono, oluvanyuma asoma (Attahiyyatu)mu lutuula luno, nga nayo yeeno:

***"Attahiyyatu lillahi waswalawaatu wa twaibaatu, assalamu aleika ayyuha Nnabiyyu wa rahimatu llahi wabarakaatuhu, assalamu aleina wa ala ibaadi llahi al-swalihii, Ashihadu ani laa ilaaha illa Llahu wa ashihadu anna Muhammadaan Abuduhu wa rasuuluhu"***

Oluvanyuma n'asaalira ku Nabbi n'agamba: ***Allahumma swalli ala Muhammadi wa ala aali Muhammadi kama swallaita ala Ibraahiima wa ala aali Ibrahiima Innaka hamiidun magiidu, wabaariq ala Muhammadi wa ala aali Muhammadi kama baarakita ala Ibraahiima wa ala aali Ibrahiima Innaka hamiidun magiidu).***

Oluvanyuma yekingiriza ne Allah mu bintu bina naagamba:

***Allahumma Inni a-udhu bika min-adhaabi Jahannama wa min adhaabil Kaburi wa min fitinatil Mahya wal-mamaati Wa min fitinatil- Masiihi Ddajjal***

Oluvanyuma asaba kyaba ayagadde mubirungi byensi n'enkomerero, era bwosabira bazaddebo oba abantu abalala mu Basiraamu tewaba kabi, Eswala k'ebere ya Faradha oba ya sunna olwekigambo kya Nabbi S.A.W mu hadith ya bin Masuudi bweyali amuyigiriza Tashahudu yamugamba:

**”ثم ليختر من الدعاء أعجبه إليه فيدعوه“<sup>12</sup>**

Amakulu nti: “ Oluvanyuma yerondereyo mu Duwa (okusaba) okumusingira okuba okulungi asabe. Nemunjogera endala eya Hadith eyo yagamba nti:

**”ثم ليختر بعد من المسألة ما شاء“<sup>13</sup>**

Amakulu nti: Oluvanyuma alondeyo mu bisabibwa kyaba ayagedde. Kati kino kigatta ebintu byonna ebigasa Omuntu kunsi nekunkomerero.

Oluvanyuma atoola Ssalamu kudyoowe ne ku Kkono we nga agamba nti:

***Assalam aleikum wa rahmatu llah , Assalam aleikum wa rahmatu llah.***

14. Eswala bwebeera nga ya laaka Ssatu nga Magaribi, oba Nnya nga Dhuhuri, Aswir, Isha , alina okusoma Tahiyatu eyo gyetwogedeko waggulu, nga

---

<sup>12</sup> - Annasa-e (Sahari): 1281, Abu Dauda (Swalat) : 825 .

<sup>13</sup> - Muslim (Swalat) : 609

kw'agasse n'okusaalira ku Nabbi S.A.W, oluvanyuma n'ayimuka nga yesigamidde ku maviivi ge nga bwasitudde n'emikonogye okugyenkanyankanya nebibega bye, nagamba: **Allahu Akibaru**. Nti Allah munene. Oluvanyuma n'agineeka (emikono gye) mu kifuba kye nga bwetwalabye, olwo n'asoma Surat Fatiha yokka. Naye bwasoma mu Laaka ey'okusatu oba ey'okuna nayongera ku Fatiha ebiseera ebimu tewali kabi kulwokukakata kw'ekyo okuva ku Nabbi S.A.W mu Hadith ya Abi Sa-ed Allah amusiime.

Bwaba alese okusaalira ku Nabbi oluvanyuma lwa Tahiyyatu esooka tewali kabi, olwokuba nga okugisoma ky'ekimu kubirungi okukolwa naye nga tekiri *waajibu* (sikyatteeka) mu Tahiyyatu esooka.

Oluvanyuma asoma tahiyyatu oluvanyuma lwe laaka eyokusatu eya swalatu Magaribi oba oluvanyuma lw'eyookuna ku Swalat Dhuhuri, Aswiri oba Isha-e nga bweyagisomye nga amaliriza eswala eya Laaka ebbiri.

Oluvanyuma atoola Ssalaamu n'atunula ku ddyo nekukkono. Olwo natandika okukola (*istigifaaru*) okusaba Allah amusonyiwe nga agamba nti:

- **Asitaghfiru Llah, Asitaghfiru Llah, Asitaghfiru Llah,** oluvanyuma n'agamba nti:
- **Allahumma anta Ssalamu waminika Ssalam, tabarakita ya dhal-Jalaal wal-ikr'am .**
- **La ilaaha illa Llahu wahdahu la shariika lahu, lahul-muluk walahul hamdu wahuwa ala kulli shai-e qadeer.**
- **Laa haula wala kuwwatan illa billahi**
- **Allahumma la maania lima a'atwita , wala mu'utwi lima mana'ta wal yanfa-u dhal Jaddi minikal jaddu.**
- **Laa ilaaha illa Llah wala na'budu illa iyyahu , lahu anni-ematu walahul Fadhilu walahu athanaa-u al-hasanu,**
- **Laa ilaaha illa Llahu mukhiliswiina lahu ddina walau qarihal Kaafiruuna.**

Bwamala azhikaari ezo, atendereza allah nga agamba bwati:

- Subhaana Llahi x33
- Al- hamdu lillahi x33
- Allahu Akbaru x33

Oluvanyuma najjuza omulundi ogw'ekikumi nga agamba nti :

**La ilaaha illa Llahu wahdahu la shariika lahu, lahul-muluk walahul hamdu wahuwa ala kulli shai-e qadeer.**

Bwamala asoma Ayat al-Qursi<sup>14</sup> ne (**Kul ya ayyuhal Kafiruuna**) ne “**Kul huwa Allahu Ahadu**” ne “**Kul a-udhu birabbil falaq**” ne “**Kul a-udhu birabbi Nnas**” buli luvanyuma lwa Sswala. Ate kiba kirungi okuddinghana okusoma essula zino essatu, emirundi esatu esatu buli luvanyuma lwa *Swalatil Fajiri*, ne *Magharibi* olwa hadith za Nnabbi S.A.W ezaakakasa ekyo. Adhikaar zino zonna ezoogedwa waggulu zibalibwa nga Sunna, era sizatteka.

Ate kyayigirizibwa eri buli Musiraamu Omusajja oba Omukazi okuba nga asaala Laaka **nnya** nga tannasaala Dhuhuri ate bwagimala naasaalayo **bbiri**, ate era oluvanyuma lwa Magaribi n'asaala **bbiri** n'olvanyuma lwa Isha **bbiri**, ate naasaala **bbiri** nga agenda okusaala Fajiri. Wonna bwozigatta ziba kkumi nabbiri. Zino ziyyitibwa (**al-Rawaatibu**) enyewe kubanga Nnabbi S.A.W yalinga tayosa kuzisaala nga ali waka, naye bweyabeeranga mulugendo yalinga azireka okujjako Sunna ya Fajir ne **Witiri** (eyo esaalibwa oluvanyuma lwa Sunna za Isha-e). Ate n'ekisinga obulungi Rawatibu zino ne witiri omuntu okuzisaalira mu nyumba ye, naye bw'aba azisaalidde mu Muzikiti nakyo tekiba kibi olwekigambo kya Nnabbi S.A.W :

“أَفْضَلُ الصَّلَاتِ صَلَاةُ الْمَرْءِ فِي بَيْتِهِ إِلَّا الْمَكْثُوَةُ ”

Amakulu nti: Eswala esinga obulungi y'esswala y'Omuntu mu nyumba ye nga oggyeko zino eswala endaalike (ettaanu) <sup>15</sup>.

N'okweekumira ku laaka zino kiri mu nsonga eziyingiza omuntu Ejjana olw'ekigambo kya Nnabbi S.A.W :

«مَنْ صَلَّى اثْنَيْ عَشْرَةَ رَكْعَةً فِي يَوْمٍ وَلَيْلَةٍ، بُنِيَ لَهُ كِنْ بَيْتٌ فِي الْجَنَّةِ»

Amakulu nti: Omuntu asaala elaaka Kkumi nabbiri mulunakulwe emisana neekiro, Allah amuzimbira enyumba mu Jjana kulw'elaaka ezo.<sup>16</sup>

Omuntu bw'aba asadde elaaka nnya nga tannasaa,la Aswiri, ne laaka bbiri nga tannasaala Magaribi, ne laaka bbiri nga tannasaala Isha, nakyo kiba kirungi okusinziira ku kyajjibwa ku Nnabbi ku butuufu bweekyo.

<sup>14</sup> - Ayatl qursiyu yeano : “**Allahu la ilaaaha illa huwa al-hayyu al-Qayyum, La Ta-akhudhuhu sinatu wala Naum, Lahu maa fi Ssamawaati wa maa fil-Arudhi , man dha-lladhi yashifa-u indahu illa bi-idhinih, ya-alamu ma baina aidiihim wama Khalifahum, wala yuhiituuna bi-shai-e min Ilimihi Illa bima sha-a, wasi-a kurusiyyuhu assamawaat wal-arudhi, wala ya-uuduhu hifidhuhuma wahuwa-l aliyyu al-adhiim**” [Surat al-Bakarat: 255]

<sup>15</sup> - Bukhaari (Adhaan) 689, Muslim (Musaafiruuna) 1301, Tirmidhi (Swalat) 412 .

<sup>16</sup> - Muslim (Musaafiruuna) 1198, 1199, Abu Dauda (Swalat) 1059 , Nasa-e (Qiyaamu Llaili) : 1773.

Ate omuntu bwasaala laaka nya oluberyeberye lwa Dhuhuri nendala nya oluvanyuma lwaayo nakyo kibera kirungi, olwekigambo kya Nnabbi S.A.W ekyajjibwa ku Ummi Habiiba:

«مَنْ حَفِظَ عَلَى أَرْبَعِ رَكَعَاتٍ قَبْلَ الظُّهُرِ وَأَرْبَعَ بَعْدَهَا حَرَمَهُ اللَّهُ عَلَى النَّارِ»

Amakulu nti : Omuntu eyeekumira ku kusaala e Laaka enya nga tannasaala Dhuhuri, n'enna endala oluvanyuma lwa Dhuhuri, Allah aziyiza (*Aharamisa*) omubirigwe okuyingira Omuliro <sup>17</sup>.

Ekyo kitegeeza nti: Olwo omusaaze aba agenda kwongera ku Laaka ziri ekkumi nebbiri zetwayogeddeko waggulu bwaati: Laaka bbiri oluvanyuma lwa Dhuhur, olwokubanga ziri eza Raatibu twagambye nti : Asaala nnya oluberyeberye, n'ebbir oluvanyuma lwayo. Kale kuzino ebbiri kasita azongerako bbiri endala olwo aba afunye kiri ekiri mu Hadith ya Ummi Habiibah Allah amusiime.

Allah ye mulunghamy waffe , era tumusaba asse okusaasira kwe n'emirembe ku weekitiibwa Nabbi waffe Muhammadi S.A.W mutabanyi wa Abdallah nekubantu b'enjuuye, ne mikwaano gye ne kubagoberezi be abamugoberera mu bulungi bwe okutuusa ku lunaku lwemnkomerero.

Amiina

Enkomerero y'ekitabo.

---

<sup>17</sup> - Tirmidhi (Swalat) 393 , Abu Dauda (Swalat) 1077 , Ahmada (Baaqi Musnad Answaar ) 25547.